# UCC etandise okubangula aba boda ku nkozesa ya tekinologiya




Aba UCC (mu bukooti) nga basomesa abamu ku ba boda boda.

**Bya MUSASI WA BUKEDDE**

EKITONGOLE ekirungamya eb'empuliziganya mu ggwanga ekya Uganda Communications Commission kitandise kaweefube w'okubangula aba bodaboda bwe basobola okukola ssente nga beeyambisa tekinologiya.

Kaweefube ono eyatuumiddwa 'Beera ku Digital' aba UCC baamutandikidde Mukono mu bitundu okuli Kalagi, Kyampisi, Nakifuma, Mukono Central n'ebitundu bya Kajjansi, Ndejje, Katabi, Kireka, Nansana ne Gayaza era abavuzi ba boda 1,800 be baasomeseddwa.

Ibrahim Bbosa omwogezi wa UCC yagambye nti baakwataganye ne kkampuni ezikwataganya ebya tekinologita ne boda boda okuli Impact Outsourcing ne Simba Automotives okulaba bwe basobola okuyamba aba boda boda okweggya mu bwavu nga beeyambisa tekinologiya.

Yannyonnyodde nti kaweefube ono asukka ku nkozesa y'essimu za seereza, mulimu ebintu ebikulu bitaano bye basomesa omuli engeri y'okukola ssente nga bayita ku masimu, engeri gye basobola okwetangira okubbibwa ku mitimbagano, bwe basobola okufuna bye baba beetaaga nga bayita ku mitibagano, eddembe lya bakasitoma be bavuga n'amateeka agabafuga.

"Twagala aba boda bamanye obuzibu obuli ku kutambula ne ssente enkalu, tubayigirize bwe basobola okusigala nga bakola emirimu gyabwe awatali kukwata ku ssente ne ziba nga bazifunira ku masimu." Bbosa bwe yagambye.

Ate James Beronda, omukungu wa UCC yagambye nti baataddewo omukutu gw'essimu okuyunga boda boda butereevu ku gavumenti n'abasaabaze kwe basobola okuyita okumanya ebikwata ku boda boda kisobozese okuzimba obusobozi mu ba booda okukozesa tekinologiya awatali kusoomoozebwa kwonna.

Kaweefube ono aba UCC baagambye nti waakutambuzibwa mu ba booda mu ggwanga lyonna kubanga gwe mulimu ogukozesa abantu abangi ate nga guyamba okutambuza ebintu ebirala omuli n'ebyobulimi mu ggwanga.